

22nd December 2019.

OKUBUULIRIRA ERI OBUTUUKIRIVU, TWEWALENGA
BULI NGERI YA KIBI. I

I Abasessaloniika 5:12-22.

Mu kweyongerayo mu nsomesa zaffe amakya ga leero okusinziira mu bbaluwa ya Paulo Omutume eri Abasessaloniika mu mulamwa omukulu Gw'okubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo'(Living in light of Eternity), mwe twagala okusinziira okumalako omwaka mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu, n'okutandika omupya mu ngeri y'emu.

Mwe twaakiraba, era ne tukakasibwa okusooka nti "Tuli baana ba musana era abaana b'obutangaavu, ekitugwaanyisa okuba n'empulira y'okubeera kye tuli (sense of belonging). Ne tulaba ebyo byetugwaanidde okkola, endowooza n'empisa awamu n'endabika ebitugwaanidde okubeera kye tuli, tuleme kuba kye tutali, n'omulundi ogwaggwa ne tuweebwa ensonga enkulu ey'ebyo byonna waggulu. Kubanga omuntu w'aweabwa 'ensonga lwaki', ey'ebyo ebirina okuba ebikulu mu bulamu bwe, kimuwa okutegeera amakulu g'ebyo ebimweetaaza, n'afuna obukakafu ng'abiluubirira nti kyaabaako abeerera ddala ku mulamwa, ne kimusobozesa okuba 'focused' mu byaakola, oba byaaliko, era omunyweevu mu bbyo, awamu n'okuddizibwaamu essuubi n'amaanyi mu kubiluubirira. Ensonga eyali nti Mukama yatulonda okutulokola ng'ayita mu Mukama waffe Yesu Kristo, eyatufiirira ka tube nga tuli balamu oba nga tufudde, tulyoke tubeere balamu wamu naye. Ekituzza mu kitundu leero mwe tufuna okubuulirira eri obutuukirivu, twewalenga buli ngeri ya kibi. Lwakuba n'ebyawandiikibwa bitugamba Okufubanga okuba n'emirembe n'abantu bonna, era okufubanga okuba abatukuvu, kubanga atali mutukuvu taliraba Mukama.(Baebbulaniya 12:14).

Tabuulirirwa okuva ku lunyiriri 12-22 nti.....

Nny.12,13..... Mu kino, ng'Abakristaayo tukubirizibwa okumanya abakulembeze baffe, olw'obuvunaanyizibwa bwaabwe gye tuli. Abo abakola emirimu mu ffe, so ssi abatukozesa obukozesa emirimu, abatuwa okulunnamizibwa kwa Mukama Katonda eri obulamu bwaffe, era abatubuulirira nga batuwabula awamu n'otukangavvula eri obutuukirivu. Abo tugwaanidde okubasiimanga mu kitiibwa n'okwagala baddizibwengamu amaanyi eri obuweereza bwaabwe gye tuli.

Abaebbulaniya13:17 lutugamba nti “Muwulirenga abakulembeze bammwe era mubagonderenga, kubanga obuweereza bwabwe kwe kulabirira emyoyo gyammwe, balyoke bakikole n’essanyu nga tebeemulugunya. Kubanga bwe babeemulugunyiza tekibagasa mmwe.”

Ate w’olabye ekitateredde mu bakulembeze bo, olunyiriri oluddako awo lugamba nti “Mutusabirenga, kubanga tumanyidde ddala nga tulina omwoyo mulungi, era twagala okukolanga obulungi mu buli kimu.” (Inny. 18).

Ng’amaze okwegayirira, akuutira mu **nny. 14 ne 15**

Okubuuliriranga abagayaavu abali mu kibiina, mu kwagala okugumu (tough love), bave mu bugayaavu b’obutaagala kuba bawulize eri Mukama, n’eby’obutuukirivu kubanga tekibagasa, n’affe tekityamba kugumiikiriza bugayaavu bwaabwe...

Okugumyanga abatiitiizi mu ffe, baddizibweemu amaanyi mu kukkiriza kwaabwe, Mukama teyatuwa mwoyo wa kutya wabula ow’amaanyi, ow’okwagala n’endowooza entuufu. (II Tim.1:7).

Ky’ekimu era n’eri abatalina maanyi nga banafuye, tubazzeemu amaanyi nga tubalagirira okulindirira Mukama, kubanga abo abalindirira Mukama baddizibwaamu buggya amaanyi ne batumbiira ng’empungu, n’okudduka obutakoowa awamu n’okutambula ne batazirika. (Isaaya 40:28-31).

Tulina okuba abagumiikiriza eri abantu bonna, kubanga obukristaayo obutuufu bulagibwa mu bugumiikiriza eri abantu mu kwagala kwa Mukama okwolesebwa mw’ekyo, anti okwagala kugumiikiriza...

Tukuutirwa n’okulabanga nga tewali awalanagwanga – ng’asasula ekibi olw’ekibi ekimukoleddwa, naye bulijjo tukolenga obulungi buli muntu ne munne, era n’eri abantu bonna. (Abaebb. 10:30).

Obwo bwonna buweereza bwe tuweerezegana ng’ab’oluganda(famire), y’abo abakkiririza mu Mukama waffe Yesu Kristo, atwaagaza obumu, nga bw’alina ne Kitaffe, olwo tubeere wamu naye oba nabo(Katonda obusatu mw’omu) lubeerera. Obutugwanidde mu kubaawo mu ssuubi ly’obulamu obutaggwaawo. (Yok. 17:20-26).